ABAEBULANIYA ESSUULA EY'OMWENDA (9)

Eno y'essuula eyesigamidde ddala ku maanyi ag'omusaayi gwa Kristo okukola kubibi byaffe. Mu ssuula ez'emabega, omuwandiisi ayogera ku saddaaka ez'etagisibwa mu mateeta ga Katonda naye ate essuula eno eyogera ku weema, nga enyonyola nti ky'ekifananyi ky'okuberawo kwa Katonda wano kunsi. Waliwo essuula enkulu kunkomerero y'essuula eno, omuwandiisi wayogerera nti twateekerwa kuffa, era oluvanyuma lw'ekyo waliba okusalirwa omusango. Naye obubaka obukulu buli nti Kristu yaweebwayo nga saddaaka omulundi gumu, kulw'okwetikka ebibi by'abangi ebyali tebisobola kusonyiyibwa mundagaano ey'oluberyeberye. Omusaayigwa Kristo saddaaka etuukiridde, etetaaga kuwaayo kulala

E Weema

Ekifo ekitukuvu kye kyaali ekisenge eky'ebweru wa weema, eyalimu emmeeza n'ekikondo ky'ettabaaza, n'emigaati kumi n'ebiri egyokulaga awayitibwa awatukuvu, gino nga gya wanyisibwangamu n'emipya buli Sabbiiti. Okusinziira ku ndagaano eyasooka, kyali nga kyetagisa emigaati gino okubeerangawo lubeerera , nga akabonero akalaga obugabirizi bwa katonda eri abantu be.

Awatukuvu w'awatukuvu kyali kisenge eky'omunda ebuziba w'eweema era wano wasangibwangawo ekyoterezo ky'obubaani ekya zaabu, n'essanduuko ey'endagaano eyabikkibwako zaabu enjuyi zonna, eyalimu ekibya ekya zaabu omwali emaanu, n'omuggo gwa Alooni ogwaloka, awamu n'ebipande eby'endagaano. Emaanu, yategeezanga obugabirizi bwa Mukama Katonda, ate omuggo gwa Alooni kwe kwali okutegeeza kw'obuyinza bwa Mukama Katonda, nga ate ebipande by'endagaano gegaali amateeta ekkumi. Mundagaano ey'olubereberye, Kabona asinga obukulu ye yekka eyakirizibwanga okuyingira awatukuvu w'awatukuvu nga akabonero akalaga nti ye yekka asukulumye okutuka ku kigera ekisisinkana ne Katonda maaso ku maaso.

Mu ndagaano empya, Yesu amaze okuyingira eggulu, atutuukirire Katonda era okuyita mu saddaaka ye, ye, kati tusobola okutuukirira Katonda. Obulokozi Katonda bwatuwade bukakafu kubanga Yesu atwegayiririra luberera era alikomawo omulundi ogw'okubiri, okuleeta obulokozi eri abo abaliba bamulindiride.

Omulimu gwa ba Kabona

Kabona asinga obukulu yayingira nga mukisenge ekyomunda omulundi gumu omwaka, wamu n'omusaayi gw'ensolo okuwayo saddaaka kululwe ye ne ku lwa'abantu ba Katonda. Ebibi ebyakolebwanga mu butamanya bye byokka ebyakolebwangako naye ebyakolebwanga mukutegera byasigalangawo. Obuwereza buno obw'bwakabona kyali kisikirize eky'okujja kwa Kristo, eyali alina obusobozi obwokusonyiwa ebibi byonna. Okuwaayo okungi n'emikolo egy'okutukuzibwa gyonna byakolebwanga okukkaatiriza nga

ekibi bwekitaali kintu kyamuzanyo era n'okukakasiza ddala nti ekibi si kye kintu kyoyinza okusangulawo mungeri enyangungu bw'otyo.

Omusaayi gwa Kristo

Kristo ye Kabona waffe asinga obukulu era owamaanyi enyo eyasobola okuyingira eggulu nga amaze okuwaayo omusaayi gwe ye okunaaza ebibi byaffe. Okuyingira awatukuvu w'awatukuvu kati kisobokera ddala eri buli mukiriza yenna, kubanga Kristu yatutemera ekubo. Omusaayi gwa Yesu gunaaza era ne gusangula ebibi byaffe era ne gutukuza ne neyisa yaffe, awo netusobola okuweereza Katonda mumazima nga tetulina kutya newankubade eky'okunenyezebwa kyonna.

Kristo, omutabaganya w'Endagaano Empya

Yesu atununudde okuva mu maanyi ga Sitaani era atuwade obusika olw'okutugasa ffe. Awatali Yesu kuyiwa musaayi, tewandibaddewo kusonyiyibwa kwa bibi. Naye Yesu ayingidde eggulu lyenyini – ekifo ekitukuvu ddala okusinga ebirala byonna ebyakolebwa kunsi- tusobole okufuna okukirizibwa n'emirembe mu maaso ga katonda. Sadaaka eno yamulundi gumu gwoka. Tulina obulamu bwamulundi gumu gwoka era tujja kufa mulundi gumu, oluvanyuma tusisinkane okusalibwa omusango. Kristo yawebwayo lumu kulw'ebibi byaffe era yetikka omusango ogwali gusaanira ffe.

Okudda kwa Yesu

Kabona waffe asinga obukulu teyajja n'abonabona kyoka, naye yazukira ne mu baffu naliinya mu ggulu era olunaku lumu alikomawo. Alikomawo okununula bonna abamwesize ye, olwo naffe, nga bwe twasonyiyibwa ne tukusizibwa okuva mu bibi byaffe, tujja kutwaalibwa mu kiffo ekitalina kibbi okubeera naye emirembe gyona. Mukiseera kino ekirungi Yesu aligulumizibwa.

Ensonga ez'okutunulira

1. Tulaba tutya ekifaananyi ky'eggulu mu weema y'Endagaano ey'Oluberyeberye?
2. Omulimu gwa kabona mubiseera by'Endagaano ey'Oluberyeberye gwali ki? Omulimu gwaffe gwawukana gutya, nga abawereza be njiri leelo?
3. Tukiririza mu bwakabona bwa bakiriza bona, n'olwekyo tuyiga tutya okuva mu suula eno, engeri gyetuyinza okutuukirira mu katonda leero?
4. Mbeera mulamu kwenkana ki bwenkizuula nti nina obulamu bwa mulundi gumu era nti ndiwa embalilira eri Katonda kulw'ebyo byenkozesa obulamu bwange?
5. Obulamu bwange mbubeeramu n'okusuubira okwamazima nti Yesu akomawo?

Mukama abawe omukisa!

Nze Richard ne Elaine Brunton